

1 ABASESSALONIKA 5:16-18 - TUSANYUKE. TUSABBE. TWEBAZE

Mu kitundu kino tugenda kulaba bwe kitugwanira okusabanga buli kiseera nga twogera ne Katonda, okusanyuka elw'essuubi lyetulina mu Kristo ate n'okwebazanga Katonda.

Kino kitundu ekitulaga obulamu oba enneeeyisa y'omukkiriza nga ye nga tumaze okulaba enkolagana oba enneeeyisa ye eri abakkiriza abalala omuli n'abaweereza.

Okusaba, okusanyuka n'okwebaze bikolwa ebitasobola kwawulwa mu bulamu bw'omukkiriza yenna.

Zabbuli 97:12 “Musanyukirenga mu Mukama mmwe abatuukirivu, era mwebazenga erinnya lye ettukuvu.”

Vs 16 Pawulo okubiriza abakkiriza mu Sessaloniika okuba n'essanyu ennaku zonna.

Bano baalina embeera etaali y'abulijjo mu kukkiriza kwabwe nti baali mu kiseera eky'okuyigganyizibwa olw'okukkiriza Yesu Kristo. Naye ekimu ku bintu ebinokolwayo mu bye baalina okwesigamako mu biseera ebizibu kwe kuba abasanyufu olubeerera. Obutaganya kuyigganyiziabwa kwe baali bayitamu okubajjako essanyu ly'ebaalina mu Kristo Yesu.

Pawulo y'omu ayaogera n'abakkiriza mu Firipi ng'agamba nti **Abafiripi 4:4-6** ***“Musanyukirenga mu Mukama waffe bulijjo. Nziramu okubagamba nti Musanyukenga. Era mubeere n'okuzibiikiriza eri abantu bonna. Mukama waffe, ali kumpi. Temweraliikiriranga kintu na kimu, wabula mu buli kintu mu kusabanga ne mu kwegayiriranga awamu n'okwebazanga, mutegeezenga Katonda bye mwetaaga.”***

Bulijjo tusanyukenga ne munnaku enzibu mu bulamu. Ekisiiseera ekizizibu kiba kizibu okusanyukiramu naye Mukama atuwa essuubi erituleetera okusanyuka newaakubadde ng'ensi ekaaba oba enakuwadde.

Kabakuuku 3:17-18 “Wadde omutiini tegutojjera, so n'emizabbibu nga tegiriiko bibala, amakungula g'emizeeyituuni ne gabula, ennimiro ne zitabala mmere n'akamu, endiga nga ziweddemu mu kisibo, nga n'ente tezikyayimu mu biraalo, kyokka ndijaguliza Mukama, ne nsanyukira mu Katonda Omulokozi wange.”

Essanyu lyaffe terisalibwawo bya leero byokka wabula ebyedda n'eby'omumaaso. Ebyaleero biyinda okuba nga tebisanyusa naye waliwo ebyedda/ ebyayita kwe tuzimbide essanyu lyaffe.

Abaruumi 12:12 “nga musanyukira mu kusuubira, nga mugumiikiriza mu kubonaabona era nga munyikira mu kusaba.”

Ate era tulina n’eby’omumaaso ebisuubirwa era ng’ekisinga obukulu bino bya lubeerera.

Ab’oluganda byetuyitamu mu nsi muno emirundi egimu biba bizibu era nga tunoonya ne wetusanyukira mu byo newabula wabula tulina essuubi ly’obulamu obujja mu nsi empya nga Mukama waffe Yesu afuga etagenda kubaamu nnaku wadde okukaaba. Ligenda kuba ssanyu lyalubeerera.

Ekyo kisanyusa ne mitawaana emingi egiyitiridde. Bwe tutasuula ssuubi eryo tugenda kuba n’essanyu.

Zabbuli 5:11 “Naye leka abo bonna abakwesiga basanyukenga; ennaku zonna bayimbenga n’essanyu, obakuumenga, abo abaagala erinnya lyo basanyukirenga mu ggwe.”

Zabbuli 16:9-11 “Noolwekyo omutima gwange gusanyuka, n’akamwa kange ne kajaguza; era n’omubiri gwange gunaabeeranga mu mirembe.

Kubanga omwoyo gwange toliguleka magombe, wadde okukkiriza Omutukuvu wo okuvunda. Olindaga ekkubo ery’obulamu; w’oli we wanaabanga essanyu erijjuvu, era mu mukono gwo ogwa ddyo nga mwe muli ebisanyusa emirembe gyonna.”

Tusanyuka olw’essuubi ly’obulamu obutusuubizibwa naye era tusanyuka n’olwokuba nti Mukama afuga mu bulamu.

Zabbuli 97:1 ‘Mukama afuga; ensi esanyuke, n’embalama eziri ewala zijaguze.’

Vs17 Abakkiriza basomesebwa okwogerezeganya ne Katonda. Okwogera n’okuwulira okuva eri Katonda. Kino kitwaliramu okuba n’enkolagana/ entabagana ne Katonda.

Ebyo waggulu tebirina kuba na nsalo/ kkomo wabula bya buli kiseera obutasirika/ buli kiseera.

Ekyali kigenda okusobozesa abakkiriza bano nga basanyufu kwe kuba nti baali bawuliziganya ne Katonda ne mu biro ebizibu era nga mu kusaba kuno mwe baalina okusenziira olwokubanga nti gwebasaba mwesigwa era amanyi byonna ate ng’ali wamu nabo mu buli mbeera.

Ye Mukama waffe Yesu Kristo yayogera olugero olulaga nti tulina okusaba buli kiseera

Lukka 8:1-8 ‘Awo Yesu n’agerera abayigirizwa be olugero ng’agamba nga bwe bagwanidde obutakoowanga kusaba n’obutaggwaamu mwoyo, ng’agamba nti, “Waliwo omulamuzi mu kibuga ekimu, nga tatya Katonda era nga tafa ku muntu

yenna. Mu kibuga ekyo mwalimu nnamwandu eyajjanga ew'omulamuzi oyo buli lunaku ng'amwegayirira nti, 'Nnamula n'omulabe wange.' "Omulamuzi n'amala ebbanga ng'akyagaanyi. Naye oluvannyuma n'agamba mu mutima gwe nti, 'Newaakubadde nga sitya Katonda era nga sirina muntu gwe nzisaamu kitiibwa, naye olwokubanga nnamwandu ono aneetayiridde nnyo, nzijja kumumalira ensonga ze, kubanga ajja kunkooya olw'okuneetayirira ng'ajja gye ndi buli lunaku!' "

Awo Mukama waffe n'agamba nti, "Muwulire omulamuzi atali wa mazima bw'agamba. Kale Katonda talisingawo nnyo kulamula abantu be, be yeerondera, abamukaabirira emisana n'ekiro ate ng'abagumiikiriza Mbagamba nti Agenda kubalamula mangu. Naye Omwana w'Omuntu, bw'alijja, alisanga okukkiriza ku nsi?"

Ekiganya okusaba kuno okubaawo buli kiseera kwekuba nti abakkiriza bali mu ntabagana ne Katonda ennaku zonna buli kiseera mu bintu bye bakola.

Buli lwetubeera ng'emitima gyaffe giyimusiddwa eri Katonda buli kiseera mu buli kye tukola kitwanguyira okusaba buli kiseera kubanga tuba tumanyi nti Mukama ali wamu naffe.

Okusaba kulina ebirungi biyitirivu naye lwaki bangi kuffe kutukaluubirira?

- Emirundi egimu tetuba na kukkiriza. Obutakkiriza bunoo buyinza kubaawo lwakubanga nti Katonda gwe twogera naye talabika era nga okwogera naye kitegeeza twetaaga kukkiriza nti waali ate era ne byetusaba biba byakukkiriza kubanga emirundi mingi tuva wetusabira nga tetubirina mu buliwo.
- Okuba nti waliwo byetwasabira ne tutabiraba olwo nno kwekuba nti ne kumulundi guno tugenda kuteganira busa.
- Okuziyizibwa omulabe Setaani kubanga amanyi nti amaanyi getulina mu Katonda gakoozezebwa na kusaba n'olwekyo kyava agezaako buli kiseera okutuwegula okutulemesa okusaba.

Mw'ebyo n'ebirala bingi tusabe Mukama atusobozese okusaba. Okusaba nga bwe kiri kitundutundu ku bulamu bwa buli mukkiriza Mukama ky'ava atuwa omuyambi gwe tulina okutandikirako okusaba atuweebwe olwo tuyambibwe era tusobole okusaba.

Abaruumi 8:26-27 'N'Omwoyo bw'atyo atubeera mu bunafu bwaffe. Tetumanyi kusaba nga bwe kitugwanira, naye Omwoyo yennyini atwegayiririra n'okusinda okutayogerekeka. Oyo akebera emitima, amanyi Omwoyo ky'alowooza, kubanga yeegayiririra abatukuvu ng'okusiima kwa Katonda bwe kuli."

Vs18 Era abakkiriza bano baakubirizibwa okusiimanga Katonda mu buli kintu. Okuwa Mukama okwebaza kubanga y'asobozesa obulamu bw'abakkiriza okutambula.

Mu bisanyusa n'ebitasanyusa, bwetuba nga tukyali balamu abasobola okusiima Katonda tusiime, twebaze.

Bye tuyinza okukwatako ne tusanyuka tusiime. Mu bitasanyusa era mubeeramu eby'okwebaza.

1 Eby'omumirembe 16:8 “Mwebaze Mukama, mukoowoole erinnya lye, mumanyise ebikolwa bye mu mawanga.”

Abafiripi 4:6 “Temweraliikiriranga kintu na kimu, wabula mu buli kintu mu kusabanga ne mu kwegayiriranga awamu n'okwebazanga, mutegeezenga Katonda bye mwetaaga. N'emirembe gya Katonda, egisukkiridde okutegeera kwammwe ginaabakuumanga amagezi gammwe n'emitima gyammwe mu Kristo Yesu.”

Essanyu lijja kubanga tulina essubi mu Mukama waffe Yesu Kristo era ng'essubi lino litusindika mu kusaba okubeeramu n'okwebaza kubanga okwebaza kitundutundu ku kusaba.

Bwe tukkiriza nti Katonda akoze byetusabye kyetuva tusanyuka era ne tumwebaza newaakubadde nga tetunnabiraba n'amaaso gaffe agoomubiri.

Abaefeso 5:19-20 “Bwe mukunjananga muzimbaganenga mu Zabbuli ne mu nnyimba, ne mu nnyimba ez'Omwoyo nga muyimbira Mukama era nga mumuyimusiza amaloboozi mu mutima gwammwe. Bulijjo mwebazenga Katonda Kitaffe olwa byonna, mu linnya lya Mukama waffe Yesu Kristo.”

Mu bisatu bino tulina eky'okulabirako kya Mukama waffe Yesu Kristo eyasaba, eyeebazanga era eyalina essanyu mu bulamu bwe yalimu wano ku nsi naffe kye kiva kitugwanira okusaba, okusanyuka era n'okwebazanga Katonda bulijjo.